# Abasawo basabye Gavt ku ndwadde ezaggyibwako ebirowoozo ezikyatawaanya Bannayuganda

Bya HERBERT MUSOKE

UGANDA erimu endwadde ezaggyibwako ebirowoozo nga zitwalibwa nti, zaggwaawo oba tezirina kinene kye zikosa bantu so nga bangi naddala mu masoso g'ebyalo zikyabakooza akagiri.

**Dr. Alfred Mubangizi, akulira ekitongole ekirwanyisa ebiwuka ebivaako obulabe (Vector control Center)**, agamba nti, Uganda erina ebirwadde ebisoba mu 20 ebigwa mu ttabi ly'obulwadde obutafiibwako kyokka nga zikyali mu bantu.

Endwadde zino ezaggyibwako ebirowoozo ezisinga ziva ku bucaafu n'obuteeyonja okuli; ebiwuka by'omu lubuto, amaaso amamyuufu, ebigenge, enjovu, mongoota, envunza, rabies, kabootongo, okukubwa amabwa ku lususu (Buruli ulcer), amabwa agatawona, obulwadde obukwata ebinywa, obulemu obutava ku poliyo, okuziba amaaso, okulumwa emisota, n'obulala.

Obulwadde buno tebussibwako mulaka olw'okuba businga kukwata bantu baavu nga ne ssente ezissibwawo okubulwanyisa n'okunoonyereza kubeera kutono ddala kyokka nga butawaanya bangi era waliwo n'abafa.

Omwezi guno ogwa January, ensi yonna egenda kwefumiitiriza ku ndwadde zino n'okwongera okusalira awamu amagezi ku ngeri y'okuzimalirawo ddala.

"Endwadde zino ezisinga zitambulira mu bucaafu gamba nga; obuteeyonja, okukozesa amazzi amacaafu, okulya emmere egaze oba etekuumiddwa bulungi, obutalongoosa bitundu mw'obeera gamba okusaawa ensiko okutangira emisota n'ebiwuka ebirala ng'ensiri kuba nazo zitambuza obumu ku bulwadde buno gamba okukubwa amabwa ku lususu (Buruli ulcer)," Dr. Mubangizi bw'agamba.



Bano amazzi bagasena mu mwala ekivaako endwadde.

## EBIREMESEZZA ENDWADDE ZINO OKUWONA

**Gertrude Nabbaale, akola n'ekitongole kya Tropical Disease Elimination (IFOTRODE)** abalwanyisa envunza n'obulwadde bw'enjovu mu Busoga ne Karamoja, agamba nti, ebbula ly'amazzi kimu ku biremesa ebirwadde bino okuwona kuba omulwadde abeera yeetaaga okubeera omuyonjo ng'anaaba, okwoza n'okulongoosa w'asula.

Agamba nti, abasajja n'abalenzi nabo bavunaanyizibwa ku birwadde bino okuwona mu bitundu bino. Mu butonde bw'abasajja balinamu okutya okuswaala okugamba nti, balina envunza, ebigenge n'ebirwadde ebirala okugenda bafune obujjanjabi ne basigala nga basiiga abakyala n'abaana ababeera bamaze okujjanjabibwa.

## EKIRINA OKUKOLEBWA

**Dr. Francis Mutebi, akola n'ekitongole kya IFOTRODE** era nga mukugu mu biwuka ebirwaza abantu agamba nti, waliwo obwetaavu bw'okwongera amaanyi mu kusomesa abantu mu kujjanjaba endwadde zino n'ensolo naddala abasula nazo kuba ezimu zitambuzibwa ebiwuka ng'enkukunyi ezibeera mu bisolo bino ng'embuzi ate nga bangi basula nazo mu mayumba.

Kikulu okukubiriza abantu bulijjo okwekuuma nga bayonjo nga banaaba omubiri, engalo n'amaaso, okwera ennyumba n'okuzisiimuula oba okuzimaala n'obusa bw'ente, obutasula na nsolo, okulya obulungi okuyamba omubiri okuzimba obwerinzi okulwanyisa endwadde," Dr. Mutebi bw'agamba.

Akubiriza gavumenti okukwatira awamu mu kulwanyisa endwadde zino nga bagula eddagala erikozesebwa kuba gyeriri ate ng'abantu baabulijjo tebamanyi watuufu waakuligula.

Dr. Mubangizi agamba nti, baagala okukozesa enkola y'okukwatagana n'ebitongole ebirala gamba nga minisitule y'ebyenjigiriza, ey'ebyobulimi n'obulunzi n'endala okuyamba abantu okufuna ebyetaagisa mu bulamu bwabwe omuli; okusomesebwa, okufuna emmere, amazzi n'ebirala.

"Nga gavumenti, twagala okwongeza okumanya eri abaweereza mu by'obulamu n'abali ku ttiimu y'abasawo b'ekyalo okumanya engeri y'okuyamba abantu abakwatiddwa endwadde zino n'okukakasa nti, eddagala erisobola okubayamba weeriri ekiseera kyonna," Dr. Mubangizi bw'agamba.

## Abantu kye bagamba



**Mastula Nakuya Sseremba : Endwadde zino ezisinga nnyangu za kujjanjaba n'okutangira kuba ezisinga zitambulira mu bucaafu nga singa omuntu asobola okwekuuma nga muyonjo, endwadde ng'amaaso, envunza, ebiwuka n'ebirala bisobola okwetangirwa.**



**Mike Banalyaki : Wakyaliwo obwetaavu okwongera okusomesa n'okujjukiza abantu ebikwata ku ndwadde zino kuba zikyali kizibu kya maanyi mu Uganda wadde ng'abantu baazivaako ne batuuka okulowooza nti, zaggwaayo ate nga zikyaliyo era zibatawaanya.**



**Charles Wabwiso, Kiyindi : Abantu abali mu masoso g'ebyalo bakyalina okusoomoozebwa kw'endwadde zino ezaggyibwako ebirowoozo, wabula kyetaagisa okwongera okuzibannyonnyola kuba zibalemesa okukola ne basigala mu mbeera z'obwavu n'okubonaabona.**